ETEEKA LYA KASOOLI MU NAKASEKE DISTRICT 2015

1. OKUNYONNYOLA

Eteeka lino lyakolebwa olukiiko olukulembera Nakaseke District nga likwata ku balimi n'abasuubuzi ba kasooli abali mu twale lya Nakaseke District mwokka.

Lyakolebwa okulwanyisa enkola embi eri mu bulimi n'obusuubuzi bwa kasooli, okugeza nga; amakungula n'enkwata yaago n'entambuza yakasooli. Era lirambika n'ebibonerezo eri oyo yenna anaabanga yenyigidde mu nnima n'ensuubula yakasooli ekontana n'omutindo.

Ebimu kubiyinza okwonoona omutindo gwa kasooli mulimu; okutabula ebisasiro mu kasooli, okufuuyira kasooli n'eddagala eritta omuddo n'ekigendererwa eky'okumukaza amangu ngatanakula bulungi, okumutabulamu omusenyu n'ebikyafu ebirala byonna, okukozesa eddagala erittakkirizibwa (ngalyabulabe eri obulamu bw'abantu n'ebisolo) mu kumuziyiza okwononeka.

Ekigendererwa ekikulueky'eteeka lino kwekunyweza obulimi n'omutindo gwakasooli, kiyambe okutumbula obutale, eby'obulamu ne nyingiza eri abalimi n'abalyi ba kasooli.

1. Proper Agronomic Practices

Land Preparation	
	- Omulimi teekateeka ennimiro yo mu budde. - Ssimba kasooli amangu ddala ng'enkuba yakatandika - Kasooli musimbe mu nnimiro enkabale obulungi.

Amabanga agalina okugobererwa mu kusimba kasooli			
Enkola	Obungi bw'empeke mu buli kinnya	Obungi bw'ensigo obugenda mu yiika	Amabanga wakati w'ebikolo
Okusimba ng'okozesa emikono	Ensigo 2 mu kinnya	Kilo 20-25 buli yiika	75 x 50 cm 75 x 60 cm
Okusimba ng'okozesa tractor	Ensigo1 mu buli kinnya	Kilo 16 - 25 buli yiika	75 x 30 cm

1. **Okuttira kasooli:**

Okuttira kitegeeza okukendeeza kubikolo byakasooli ng'okuulamu ebimu n'olekamu kimu oba bibiri ng'atuuse kubuwanvu bwa 10cm okusinziira ngabw'aba ameze

2. **Okukoola kasooli**

Kasooli mukoole mu budde, mu bbanga eritasukka sabiiti nnya (4) oluvanyuma lw'okumusimba.

1. OKUFIYIRA

Singa okozesa eddagala eritta omuddo mu kukoola, kozesa eryolyokka eryakakasibwa ekitongole ekivunaanyizibwa kuddagala erikozesebwa mu kulima

1. OKUZIYIZA N'OKULWANYISA EBIWUKA N'ENDWADDE MU KASOOLI

- Kozesaeddagala eryo lyokka eryakakasibwa mu kulwanyisa ebiwuka mu kasooli.
- Kuuma ennimiro nga nnyonjo, ng'ogibikka, n'okukyusakyusanga ebirime by'olimira mu kifo mu sizoni ez'enjawulo.
- Tegeeza abakulembeze b'ekitundu mw'oli bwewabanga wazuuliddwawo ebiwuka oba obulwadde mu kasooli.

1. OKUKOZESA EBIJIMUSA MU KASOOLI.

- Use only recommended fertilizers and manure.
- Use of farm yard manure is recommended because it gives the highest yields, does not destroy soil structure and is good for the environmental protection.

7. OKUNGULA N'ENKWATA YA KASOOLI OLUVANNYUMA LW'OKUMUKUNGULA:

Ebituufu okukolebwa

Kungula kasooli ng'akaze bulungi.

Kasooli mukalize kutundubaali, emikeeka oba ebiwempe

Kasooli mutereke mu kyagi oba mu kuttiya

Ebitalina kukolebwa

Tokungula kasooli okutuusa ng'akaze bulungi

Kasooli tomukaliza butereevu kuttaka

Kasooli tomutereka mu bifo bijama

Ebituufu okukolebwa

Kasooli mukalize kubikingoliro

Ebitalina kukolebwa

Kasooli tomufuuyira ddagala limukazza ng'oluubirira akale mangu

Kasooli akaze obulungi anaabanga n'obungi bw'amazzi agaliwakati w'ebipimobya 13.5 ne 14 ku buli kikumi (%) oba ekigero ekirala kyonna ekinaaba nga kikakasiddwa gavumenti.

8. Ebyetaagisa eri olukiiko olukulembera district

- Abasuubuzi ba kasooli n'ebikozesebwa mu kulima, bajja kwewndiisanga eri olukiiko oluvunaanyizibwa ku district. era bakuweebwanga layisensi ezibakkiriza okukola omulimu ogwo era zinaatimbibwanga mu kifo wezira bikira obulungi awo we bakolera.

- Ab'ebyuma bonna abatewandiisenga ku district tebajja kuweebwanga layisensi

- Abasuubuzin'ab'ebyuma bya kasooli bateekeddwa okukuuma omutindo gw'obuyonjo mu kasooli

- Abaneenyigiranga mu mulimu gw'okusuubula kasooli bonna, banabeeranga n'obuuma obwesigika mu kukebera obungi bw'amazzi mu kasooli

- Abatunda ebintu ebikozesebwa mu kulima kasooli baakulabanga bye batunda ngabateekako ebiwandiiko ebitegeeza ebyo ebitundibwa ne wa gyebiva

- KaKasooli n'obuwunga byakutambuzibwanga mu bintu ebitasobola kuyingiramu mazzi, enfuufu oba obukyafu obulala bwonna.
- Omuntu yenna aneenyigiranga mu kulima oba okusuubula kasooli, takyafuwazenga kasooli mu bugenderevu mu ngeri y'okutekamu amayinja, enfuufu, ebisaaniko oba mu ngeri endalayonna. Kasooli yenna anasangibwanga nga mukyafu ajjakubowebwanga era ayononebwe ayokyebwe
- Omuntu yenna anamenyanga erimu kumateeka agalambikiddwa waggulu anaabanga azizza omusango era anaawebwanga ekibonerezo kyakusasula Shs. Emitwalo ena (40,000/=) oba okusibwa ebbanga eritasukka myezi ebiri (2) oba okukola ebibonerezo byombi.
- Omuntu yenna anaabanga asingisiddwa omusango mu kooti, ng'ojjeko okuweebwa ebibonerezo ebiragiddwa waggulu, ebbaluwa emukkiriza okukokola omulimu ogw'okusuubula kasooli mu kitundu nayo yakusazibwamu.

Okukozesa minzaani entuufu.

Minzaani zonna ezinaakozesebwanga mu kupima kasooli zinabanga ezo zokka ezikkirizibwa era ngazakakasibwa ekitongole ekivunaanyizibwa kumutindog w'ebintu mu ggwanga (UNBS).

9. Entereka ya kasooli;

- Kasooli anaaterekebwanga mu materekero agatuukiridde nga gamutindo naddala mukuyingiza empewo, mu kumutangira okwononeka,n'okumukuumira mubuweweevu obusaaanidde.
- Abasuubuziba kasooli bonna, nga bafuuyira mu byuma byabwe, banaakozesanga eddagala eryo eryakakasibwanga teririna bulabe eri obulamu bw'abantu n'ebisolo.

Okuteekesa mu nkola eteeka lino.

Olukiiko olukulembeze olwa district nga lukolaganira wamu ne gavumenti z`ebitundu endala, n`abakulembeze abalala bonna mu district bakulaba nga eteeka lino liteekebwa mu nkola.

TRADE MARK EAST AFRICA

Growing Prosperity Through Trade

DFID Department for International Development

SEATINI

Strengthening Africa in World Trade

For more information Contact:

Southern and Eastern Africa Trade, Information and Negotiation Institute

(SEATINI-Uganda)

Regional Coordinating Office for Eastern Africa

Plot 806 Bukoto Kisaasi Road

Tel: +256 414 540 856

Fax: +256 414 540 857

E-mail: seatini@infocom.co.ug

Website: www.seatiniuganda.org